# Akalulu ka Gabula Ssekukkulu mu Vayibu akasembayo kakwatibwa enkya ku Lwokutaano

Bya KIZITO MUSOKE

AKALULU akasembayo aka 'Gabula Ssekukkulu mu Vayibu' kakwatibwa nkya ku Lwakutaano nga December 19, 2025, bannamukisa mwe bagenda okuwangulira ebirabo ebizito.

Omukung'anya wa Bukedde, Michael Mukasa Ssebbowa, yagambye nti akalulu kajja kukwatibwa butereevu ku Bukedde TV ng'ensi yonna eraba.

Ekyenjawulo ku Lwokutaano abagenda okuwangula ebirabo bajja kuba basoba mu bantu 50. Abawanguzi bajja kwegatta ku balala abazze bawangula mu bululu obuzze bukwatibwa buli Lwakutaano era amannya gaabwe bonna gaakufulumira mu Bukedde ku Wiikendi.

Ebirabo ebigenda okuwangulwa mulimu; enkoko kawoomera eza kkampuni ya Ugachick, Ttivvi enzijuvu eyaweereddwayo aba Star Times nga kuliko dikooda n'ekisowaani n'ebbaati ly'amasannyalaze g'enjuba.

Waliwo ekyapa ky'ettaka ekigenda okuwangulwa e Gobero ku luguudo lw'e Hoima ekyaweereddwayo kkampuni egula n'okutunda ettaka eya B Clara Property Consultants n'ebirabo ebirala.

Abawanguzi bonna bajja kuweebwa ebirabo byabwe ku Mmande nga December 22, 2025 ku kitebe kya Vision Group ku ssaawa 4:00 ez'oku makya.

Ssebbowa yasabye buli muwanguzi okutambula n'ebimwogerako ebikakasa nti ye muntu omutuufu.

Akakonge kaakomye okufuluma mu Bukedde w'eggulo, kyokka abajjuza obukonge basabiddwa okubuweereza kibayambe okwetaba mu kalulu akasembayo ku Lwokutaano.

Bukedde ezze etegeka akalulu ka Gabula Ssekukkulu buli mwaka n'ewa abasomi baayo ebirabo ebyenjawulo ne basobola okuyita mu nnaku enkulu nga basanyufu.